**P360/3**
**LUGANDA**
**PAPER 3**
**DECEMBER 2020**
**3 HOURS**

**JINJA JOINT EXAMINATIONS BAORD**

**UGANDA ADVANCED CERTIFICATE OF EDUCATION**

**LUGANDA**

**DECEMBER 2020**

**LITULICA W'OLUGANDA**

**OLUPAPPULA OLWOKUSATU**

**ESSAAWA SSATU**

**EBIGOBERERWA:**

- Olupappula luno lugabanyiziddwamu ebitundu bisatu A, B ne C.
- Mu kitundu A kolamu ekibuuzo kimu.
- Mu kitundu B kolamu ebibuuzo bibiri (2), ekimu okuva mu puloozi, n'ekirala kimu okuva mu bitontome.
- Mu kitundu C kolamu ekibuuzo kimu.

**EKITUNDU A**

## Ddamu ekibuuzo kimu kyokka ng'okiggya mu nnamba 1,2,3 oba 4

### NKATA MUSA MUTYABA: AGAMYUKA OMUTEZI

1. "Abakazi muwulirenga babbammwe nga bwe muwulira Omukama……"
   - (i) Ani ayogera Ebigambo ebyo? (obubonero 02)
   - (ii) Bisimbuddwa mu ssuula ki mu lugero? (obubonero 02)
   - (iii) Bubaka ki ayogera Ebigambo ebyo bw'alabika okuba nga atuusa eri abafumbo? (obubonero 15)
   - (iv) Ayogera Ebigambo ebyo azimbiddwa atya? (obubonero 05)

**2.** Eby'obuwangwa Nkata Musa abitadde ku kifo kya ku mwanjo nnyo mu lugero lwe, nnyonnyola eby'obuwangwa ebyenjawulo by'atuwandiikirako. (obubonero 25)

### SSEMWANGA KIVUMBI: GW'OLULAMBUZA

3. Buli asoma ku Gw'olulambuza asigala atendereza omuwandiisi waalwo olw'obunyuvu obulimu. Kino Ssemwanga Kivumbi akikola atya? (Obubonero 25)

4. "Woowe nnyabo omwana abinzalidde, nnyabo anzaala gwe ssaalabako nze omunaku nnadda wa nnakunkunyedda waabwe ng'ensowera y'okumugugu…."
   - (i) Ebigambo ebyo bisimbuddwa mu ssuula ki ey'olugero? (akabonero 01)
   - (ii) Ani abyogera? (akabonero 01)
   - (iii) Mwana ki ayogerwako eyali abizaalidde omwogezi? (akabonero 01)

(iv) Mu bimpimpi, nnyonnyola ebigwawo mu ssuula eyo ebituusa omwogezi okwogera ebigambo ebyo, (obubonero 12)

(v) Biki ebyaddirira oluvannyuma? (obubonero 10)

**EKITUNDU B**

**Ddamu ekibuuzo kya puloozi n'ekirala kmu okuva mu bitontome.**

5. Soma Ekitundu kino oddemu ebibuuzo:-

Omuntu buli lw'akula akyuka mu bintu bingi era ddala obukulu buwoomya ttooke naye ku muntu kakulu asomba. Akasusu akaali akaaliri ne kifuuka ekikapappwa nga gy'obeera nti kikere lwonna ne lujjula enkanyanya ng'olususu bw'ogezaako okulusika lulinga zino zebakubisa obunyonyi mu kunaanuuka. Omuntu yenna eyali yeerolera ayinza okulowooza nti ali mukulira! Haa………ataakulaba!

Okimanyi nti abamu amaaso gaabazimba ne babeera nga be basula bafuntula **musosola ndaggu**, ate agamu ne gakyuka okukira amabwa nga gyobeera nti bagayiridde mmula. Olwo ku mutwe ezaali enviiri ezasaalizanga abalabi ezaali empanvu kagongolo nga kati bw'ozitumulako oyinza okugamba nti yeesizeemu ekyovu kya ssabuuni nga n'okuzisanirira ekisanirizo kikuliita nazo olwo omutwe negubeera nga embwa gwe kombyemu.

Omuntu eyeesibanga n'awogola nayimirizanga n'abayise naye nga kati engoye ku mubiri ziddukako mudduke tezitereerako

neziba nga ezayombye n'omubiri zonna nga zikunnukidde ng'ekyayi einaayiwa obugolo. Yenna mukazi wattu eyatambula nga yeeyagala bweyagazi naye kati akikijjana bukikijjanyi amagulu buli lw'agasimba gatulika butulisi nga gyobeera nti musiikirwamu biberenge. Bambi yenna n'abeera nga gwe basibyeko amasibe nga bano aeesibako obuyungo.

Leero bwe gutuuka ku mannyo gaffe agali gatukula **<u>ng'entembo</u>** mu kugasenya nga kati bw'ogatunulako oyinza okulowooza nti nago gawagira gavumenti eno eriko! Olwo nno alina ago yeesiimye naye nnyabo waliwo ate abatalina wadde erigaaya, ekibumba, nga bwayogera bambi n'olaba bwafunta obufunsi ng'ekkovu erirya akatiko! Mukazi wattu eyali amwenya nga toyagala amale nga kati bw'akikola weekanga odduse, leero bwe kituuka ku kuseka nga gy'obeera nti ekkookootezi lye lisindogomera emmanju w'ennyumba!

Eryali ettutu eryasunsumaliranga ku kifuba, ng'abasajja okulitunulako bamira mangota nga n'akaleega lijjula kukafumita liyitemu nga lyonna lyekalakaasa nnyini, nga kati nnyabo wange ng'akuŋŋanye likuŋŋaanye ayoola liyoole okulissa mu kaleega ssaako n'okussaamu bippamba liyimukemu waakiri bategeerere okwo nti eyeesibye ggomesi mukazi.

Mukazi wattu eyali alina akabina ke yatambuzanga nga katolotooma. Ke balinnyako ne bawanula n'amenvu ku kibanyi era akaayimirizanga abayise ssaako n'okusuulanga **<u>bamusambampale</u>** ennume z'ebigwo nga bavuga bumaanyi, gaakifumba, nga kati bw'otunula eyali entuumu y'akabina nga

kati muserebende gyobeera nti “landa” yeemuyiseeko ne kaggwaako, ssinakindi empisi okumukuba oluyi!

Eyali awenyuka nga akaweewo nga kati n’ekibaata takyasobola kukigoba ne batuuka okumuliisa obuliisa n’okumunaaza ng’omwana omuto! Gwe ate emmere okugimugottera. Bwe kituuka ku kukyuka atunule emabega nga gy’obeera nti lukululana y’ekyuka. Oluusi agayimirira gamubula olwo n’asalawo okwavula.  Kaakati olwo enjawulo n’owebibungu eba ludda wa?

**EBIBUUZO:**

a) Muntu ki ayogerwako mu mboozi eyo gy’owulidde? Era wandigiwadde mutwe ki? (obubonero 02)

b) Nnyonnyola ebifaananyi ebyenjawulo omuntu byatukubidde mu mboozi eno. (obubonero 06)

c) Lambulula omusono gw’olulimi ngabwe gweyambisiddwa omumyumya. (obubonero 06)

d) Nnyonnyola ku musono omunyumya gwakozesezza okufuula emboozi ye ennyuvu. (obubonero 06)

e) Leeta amakulu g’ebigambo bino nga bwe byeyambisiddwa mu mboozi gyosomye:-

(i) Musosola ndaggu

(ii) Kikuliita

(iii) Entembo

(iv) Bamusambampale

(v) Okugulu okwokusatu

## EBITONTOME

**Ddamu ekibuuzo kimu kyokka ng'okiggya mu nnamba 6,7,8 ne 9.**

6. H.B. Ssematimba: Abooluganda Ab'enda Emu.

   Soma ekitontome kino n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yakkyo.

**OMULEEBESI 1983**

Akeera nnyo n'asitama
Mu kalyango mw'abeera
N'ayayuuya n'akamala
Era talina kye yeekolera
Wabula okuleebeeta
Ng'asuubira obukunkumuka
Ng'embwa wansi w'emmeeza!

Bw'alaba oyo eyeekozesa
Eyaziggya mu ntuuyo
Olwo nno yeekonga
N'akuba pulaani eneemunyaga
Era ayanguwa mangu nnyo
N'amuyozaayoza emirimu.

Ne yeesesaasesa obuseko
Obw'obukuusa obw'embaliga
Mbu omukwano gwanguweko

Alabe ky'amukwakkulako

Bw'afuna ow'emmundu
Olwo ne yeekola ekigenyi
N'amuwaana n'akamala
Era y'amutwala mu bbaala
N'amuwagira anywe bunywi
N'omwenge gw'ataguze
N'amuserengesa ebyalo
Era y'amusangula entuuyo
Kumpi kumusangula minyira!

Y'amulaga ow'ensimbi
N'oyo bwe baayombye
Mbu be bayeekera fuluku!
Ensi yonna n'edaaga
Nga bakola ebya mbyone
N'okuleetawo vvulugu.

Naye ggwe ssebo omuleebeesi
Biki ebyo by'oganyulwa
Mu muvuyo gw'oleeta
Obwa Yuda bw'okola bwaki
Yadde ensimbi ziwoomerera
Ze zikusingira ensi yo
N'abooluganda ab'endayo?!!!!

**Ebibuuzo:**

(i) Ekitontome kino kisengekeddwa kitya? (obubonero 6)

(ii) Obukugu bw'omutontomi bweyolese butya? (obubonero 8)

(iii) Omutontomi aggyeeyo atya omulamwa gw'ayogerako? (obubonero 5)

(iv) Londayo ennyiriri bbiri ezooleka engeri omuntu ayogerwako gye yeegonzaamu. (obubonero 2)

(v) Nnyonnyola amakulu g'ebigambo bino nga bwebikozeseddwa mu kitontome kino

- Fuluku
- Mbyone
- Vvulungu
- Obwa Yuda

**OBA**

7. Ssematimba ayolese atya abasomi be nti ddala ategeera olulimi Oluganda. (obubonero 25)

**8. <u>Kizza Mukasa; OMULYA MMERE KKOYI</u>**

**Soma ekitontome kino n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yakkyo.**

**ABAWEERERA TULABYE**

Abazadde tuli mu nnaku,
Tubasaala mube balamu,

Tubatwala ku masomero,
Kuba okusoma lye kkula,
Twefiiriza zino empiiya,
Tubaweerere musome.

Bw'obeera okyaweererwa,
Tofaayo ku bulamu bwo,
Buli wonna w'ogendako,
Ggw'obasaba nnusu ezo.
Nti muzimpe bannange,
Beppo bamungoba enkeera.

Baddamu nti tuula awo,
Ozirinde olw'enkeera.
Weekubagiza onyiiga,
Nti zo nkolewo zadda?
Mutusaasire abayiga,
Nkato kwe tutudde ffe.

K'ozeekuula n'ozomuwa,
Ku ssomero tatuuseeyo,
Bw'akuyamba n'atuuka,
Eddalu eryo n'asitula,
Erikuba amayinja gali,

N'erirya ebitajjuddwa!

Abo abasomesa abawemu,
Nabo nno batukeese nnyo,
Badda ku baweererwa baffe,
Nga babatigaatiga amagalo!
Bannakigwanyizi mbuuza,
Mwaggya wa gano amaddu?

Basomesa abamu nammwe,
Bbula zo muzitutimba nnyo
Nti Nnunda oyo munnaffe
Ajja kusoma ayanaamirize!
Bubonero bwe bw'otulaga,
Ng'ate wabuweesa luli?

Ffe abaweerea nga tulabye,
Twevuma ddala ozzaalwa.
N'abatannazaala baaboffe,
Twabinikibwa dda agazito,
Aga buto baffe enfaafa,
Bugenda bubinuka obukula!

Be tuweerera nammwe nno,
Mufune ku nsonyi eŋŋanda,
Mweddeko ddala amazima,

Okwagala ebiwedde bino,
Kujja kubasuula awazibu,
Mugatukaabye ga nsusso!.

**EBIBUUZO:**

(i) Ani ayogera mu kitontome kino era agamba ani (obubonero 2)

(ii) Omutontomi yeegazannyirizza atya mu musono gw'olulimi? (obubonero 4)

(iii) Omuwandiisi afubye atya okulaba nti ekitontome kino kinyumira amatu? (obubonero 12)

(iv) Amakulu agali mu mutwe gw'ekitontome kino omuwandiisi agaggyeeyo na byakulabirako ki? (obubonero 5)

(v) Nnyonnyola amakulu g'ebigambo bino:-

- Ebitajjuddwa
- Babatigaatiga (obubonero 2)

**OBA**

9. Omulyammere omulungi omuwandiisi amwogerako atya? (obubonero 25)

**EKITUNDU C: EMIZANNYO**

**Ddamu ekibuuzo kimu kyokka ng'okiggya mu nnamba 10, 11, 12 oba 13.**

**MERCY MIREMBE NTANGARE: SSEMITEGO OMUYIZZI KKUNGWA**

10. "Ebiseera ebyo byonna Abantu abatali bamu nga bakola emisana n'ekiro okulaba nti Ssemitego avaamu nga ali ku mutindo ogwa waggulu ennyo". Omutindo ogwagerwako mu muzannyo Ssemitego guzimbiddwa na bintu ki?

(obubonero 25)

11. "Woo! Zikusanze musajjawattu. Akattu k'olimu tokyasobola kukavaamu. Obudde bwakuyitako dda!"

(a) Baani aboogeraganya mu mboozi eyo? (obubonero 5)

(b) Akattu omugambibwa k'alimu ke kaliwa mu muzannyo? (obubonero 20)

**<u>WAALABYEKI MAGOBA: NNAMULANDA</u>**

12. "Kale vva, ogwo musota ate nga bajjajja baakulabula dda nti akabi kaliva gy'li ng'otta omukago n'omusota".

(a) Laga Abantu abali mu mboozi eyo n'ekitundu mw'esimbuddwa (obubonero 4)

(b) Ekitundu ekyo kirina bubaka ki eri abasomi b'omuzannyo? (obubonero 11)

(c) Obusota buzimbiddwa butya mu batonde ba Waalabyeki Magaba mu muzannyo Namulanda? (obubonero 10)

13. Omuzannyo guno gw'anika omulugube, enkwe n'obulimba obwali busenkenyezza Abantu ba kaco ako. Ebiri mu muzannyo bitwoleka bitya kino? (obubonero 25)